Ensi Yaleta by Clever J Ft Zake
Posted by Bandi - 2007/11/07 09:52

Among other things, he's got that though not religious but very attractive message; "If he hits you, hit him back...." I wish things were that easy.

==========

Re:Ensi Yaleta by Clever J Ft Zake
Posted by omumbejja - 2007/11/11 03:54

Bandi i know things are not easy at all or you would be in class as you promised, what's up ebyokutolotoloka tebikkirizibwa , I'm waiting for you in ffumbiro lya connect,

==========

Re:Ensi Yaleta by Clever J Ft Zake
Posted by kingo - 2007/11/11 14:10

EBYO EBYA AKUKONA NAAWE N'OMUKONA, byali bireese obuzibu mu bavubuka banno abayimbi m'UGANDA nga batandise okwekuba agakonde. kale no nze ngamba nti tugoberere ebya baibuli, oli bawkukona ku Ttama erimu nga otekawo eddala kasita abeera nga si kanyama nyo anakuwogola oluba.

==========

Re:Ensi Yaleta by Clever J Ft Zake
Posted by Frebusons - 2007/11/11 14:16

Kingo, ebya bibuli tebikyakola mu nsangi zino. Kuba tebisasula ensi yaffe egwerera egwawo.

==========

Re:Ensi Yaleta by Clever J Ft Zake
Posted by Kalibattanya - 2007/11/11 19:06

Kingo wrote;

EBYO EBYA AKUKONA NAAWE N'OMUKONA, byali bireese obuzibu mu bavubuka banno abayimbi m'UGANDA nga batandise okwekuba agakonde. kale no nze ngamba nti tugoberere ebya baibuli, oli bawkukona ku Ttama erimu nga otekawo eddala kasita abeera nga si kanyama nyo anakuwogola oluba.

Hahahahahah, Kingo ssebo, bwabeera owa manyi anakuwogola oluba olwo nga okola otya? Nga odduka? Oba nga omwegayirira akuleke?

==========

Re:Ensi Yaleta by Clever J Ft Zake
Posted by tonto - 2007/11/11 19:13

Owewange (Mrs. Kaliba Tonto) mutuufu. Oli bwaba owamaanyi nakuwogola oluba okaaba bukaabi, nga Mike Tyson bweyakuba omusajja nakaaba (gwebakuba yeyakaaba), era tekako kakokola...

==========

Re:Ensi Yaleta by Clever J Ft Zake
Posted by omumbejja - 2007/11/11 19:23

Oba nokumulumako okutu nokuwanda eri nomugamba nti kutherede mukamwaako

==========

Re:Ensi Yaleta by Clever J Ft Zake
Posted by Meli - 2007/11/12 21:12

Naye ate walino neeno scenario; nakubo lino ettama, nokyuusa eddala nalyo nalikuba, nayongera nakuba liri ate nokyuusa ate era nakuba. Kwekugamba omanya ddi nti kimala, nga amaze kukusottasotta wenna? Nze ndowooza waliwo oba wekituuka Mukama nakugamba nti kati oyo KUBA.

==========

Re:Ensi Yaleta by Clever J Ft Zake
Posted by omumbejja - 2007/11/13 06:51

Kasita olaba ngo luba olumu aluwogodde nga naawe omukakkanako taekwondo ngo mukuba tteke nga mwenna mwenkanya evvumbe

==========

Re:Ensi Yaleta by Clever J Ft Zake
Posted by Kalibattanya - 2007/11/15 13:21

Omwagalwa wange baze ssebo Tonto, lwelwo oluyi munnange lwenkutegekedde olwokwendera mu mboozi nga ssiriwo. Wennakwagalira nga ebinywa bikwesibaganye nga emigwa, tolowooza nti wennakutiira. Kale get on your marks, wetegeke okudduka...nga kabiite wo nkaaye.

==========

Re:Ensi Yaleta by Clever J Ft Zake
Posted by tonto - 2007/11/15 19:59

Kabiite, basi basi basi... Sirikawo tokaaba. Abo bampayiriza. Waliwo engoye zewagambye nti oyagala okuzigula. Mbadde ntegese nti enkya tugende tushoppinge, engoye ezo tuzigule. Olabye otya?? Buli lwenkulaba ondabikira bulungi. Kale tonzigwangamu maddu olukulabako bwenti, nzenna nenesisiwala. Waliwo obuyi bwotera onkunkuba obutaluma, nga tunyumya emboozi yaffe. Obwo kuba ngabwoyagala. Tofaayo.

==========

Re:Ensi Yaleta by Clever J Ft Zake
Posted by omumbejja - 2007/11/16 00:25

CONNECT EBEEWO:laugh: :laugh: :laugh: :laugh: :laugh: :laugh: :laugh:

==========

Re:Ensi Yaleta by Clever J Ft Zake
Posted by Meli - 2007/11/16 09:44

Yooyo Tonto waffe, the gentle giant, fenna gwetumanyi era gwetwagala, yadde teyegaana bitooke byebigwa.

Wabula nga tudda kuluyimba lwaffe, Okugamba omuntu nti Ensi Yaleeta kitegeezaki? Kiringa kumuyita Sserwajja okwoota?

==========